**S.3**

**PAPER 335/1**

**OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUFUNZA,OKUKYUSA,EBISOKO N' ENGERO**

.

## EMBOOZI ENNYIMPI

Mu kitundu kino eky'emboozi ennyimpi mwe musangibwa buli muntu kye yeetaaga mu bulamu bwe obwabulijjo. Emboozi zino zibeera zigoberera mitendera era buli kika kirina omutendera gwakyo.

Mu kitundu kino emboozi ebeera ya bigambo bibiri (200)

**EBIKA BYE MBOOZI ENNYIMPI**

- **Ebbaluwa**
- ✓ Ey'omukwano
- ✓ Entongole

- **.Okwogera**
  - ✓ Mu lukungaana
  - ✓ Okuyita omugenyi omukulu
  - ✓ Okwogera kw'omugenyi omukulu
  - ✓ Ku mpewo
  - ✓ Okubuulirira
  - ✓ Ku ntaana

- **Sitatimenti**
- **Ebirango**
  - ✓ Ebibika
  - ✓ Ebiranga ebibuze
  - ✓ Eby'amaguzi

- **Amawulire**
    - ✓ Amasake
    - ✓ Omuko
    - ✓ Ebbaluwa
- **Endagaano**
    - ✓ Ey'okugula
    - ✓ Ey'okutunda
- **Alipoota**
- **Eddaame**
- **Ebikukwatako (CV)**
- **Ebiteeso**

**OKUWANDIIKA EBBALUWA. (LETTER WRITTING)**

**EBBALUWA ZA MIRUNDI EBIRI.**

**A) EBBALUWA EY'OMUKWANO**
**B) EBBALUWA ENTONGOLE**

**A) EBBALUWA EY'OMUKWANO.(FRIENDLY LETTER)**

Ebbaluwa ey'ekika kino y'eyo ewandiikirwa maama,taata,jjajja,ow'omukwano, baaba n'abantu abalala naddala singa babeera kumpi nnyo naffe era nga ebbaluwa ey'ekika kino nga tegenda kuyita mu yafeesi.

**Ebigobererwa nga tuwandiika ebbaluwa ey'omukwano.**

- ➢ Endagiriri y'oyo awandiika ku Mukono ogwa ddyo.tokozesa linnya lya ssomero kiba kirungi n'okozesa waakiri erinnya lyo.
- ➢ Zaako ennaku z'omwezi

- Ku Mukono ogwa kkono ggulawo nga olaga gw'owandiikira nti ya................(maama omwagalwa, taata ,mukwano gwange Rita, jjajjange omwagalwa n'ebirala) Bw'oba okozesa linnya kiba kirungi okozese erinnya erye ddiini.
- Tandika ebbaluwa nga omubuuzaako. Mubuuze baali nabo embeera gye balimu, balwadde oba balamu? Mutegeeze naawe nga bw'oli, bw'oba mulwadde kimugambe. (**Bino byonna bibeera mu kiba kimu**)
- Tandika ekiba ekirala omutegeeze ensonga ekuwandiisizza ebbaluwa era bwe ziba nga nsonga ziwerako buli nsonga giteeke mu kiba kyayo era oginnyonnyole bulungi. Ensonga nga 15.
- Bw'oba omaze okuwandiika ensonga musiibule nga omwagaliza emikisa gya Katonda era omusabe akulabire bonna baali nabo. Bw'oba owabula oba olabula oba okuba mulanga era kirage.
- Ku Mukono ogwa ddyo wandiika akagambo owuwo ddala, muwala wo, muzzukulu wo, mukulu wo , muto wo, mwannyoko n'ebirala okusinziira ku kibuuzo.
- Wandiika erinnya lyo ery'eddiini ku Mukono ogwa ddyo wansi w'akagambo ako.
- Ebbaluwa ey'omukwano etera kuba ku lupapula lumu oba lumu n'ekitundu okusinziira ku ngeri gy'onnyonnyoddemu ensongazo n'obungi bw'ensonga.

**N.B**

**KU BBALUWA EY'OMUKWANO TEKUBA SAYINI.**

Oli wa ddembe okuteekamu olulimi ol'ekinywi nga oluzungu naye toyitiriza.

Ensonga ogiggya mu kibuuzo

**Eky'okulabirako**

Nankya Ruth
A.K.P 20
Kampala.

02/05/2018

Eri,

Ow'omukwano Julie,

Munnange osula otya eyo? Abeeyo bagamba ki?Obutiti buli butya eyo mu nsi yammwe anti wagamba biba bigwa mu buno obudde.Naffe tuli bulungi eno mpozzi maama y'abaddeulwadde naye kati akubye ku matu.Munange twamala ebigezo era nabiyitira ddala waggulu.

Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga njagala okukutegeeza nti.......................................

..............................................................................................................

Zaako ensonga emu ku emu nga ate ozinnyonnyola bulungi.

Nkwagaliza emikisa gya katondagibeere naawa bulijjo.

Mukwano see you.

Nze akwagala ennyo

Teddy.

**OMULIMU**

**Wandiikira taatawo ebbaluwa omubuulire ku kikwagazisa ennyo essomero lyo.**

## B) EBBALUWA ENTONGOLE (OFFICIAL LETTER)

**Zino ziwandiikibwa zirina yafeesi gye zigenda oba gye ziyitira era**

**Ebbaluwa entongole nazo zirimu ebika nga bino wammanga.**

- **Ebbaluwa Esaba Omulimu**

  **Ebigobererwa nga tuwandiika ebbaluwa entongole.**

  - Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo
  - A.K.P
  - Ennaku z'omwezi
  - Endagiriro y'oyo gw'awandiikira ku kkono
  - Akagambo ssebo/nnyabo
  - Enso..... **OKUSABA OMULIMU**
  - Tolamusa tuukira ku nsonga tolandagga Okug. Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga nkusaba omulimu gwa......................................................
  - Wandiika ekinyusi (Muno laga ddi omulimu gwosaba lwe gwalangibwa, mu lupapula ki, muko ki? Laga nti oli munnayuganda, emyaka gyo,mufumbo oba nedda? ,obadde okolera wa, obadde okola nga ani ku mulimu ogwo? Wafuna ddi diguli? Mu yunivasite ki? era laga nti otaddeko ebbaluwa y'ebikukwatako CV singa abeera ayagala okumanya ebisingawo. Wandiika abasembi bo nga babiri n'endagiriri zaabwe.)
  - Maliriza nga weeyambisa akagambo (naasanyuka nga okusaba kwange kuddiddwamu)
  - Nze
  - Akusaamu ekitiibwa
  - Saako omukono gwo
  - Erinnya lyo lisembeyo

**Nankya Ruth**
**A.K.P 20**
**Kampala**

**02/05/2018**

**Omukulu w'essomero**

**St.Mark Namagoma**

**A.K.P 1889**

**WAKISO**

Ssebo/Nnyabo,

ENSO**: <u>OKUSABA OMULIMU GWA BBAASA</u>**

Ku nsonga eyo waggulu,nkuwandiikiddenga nkusaba omulimu ogwa bbaasa mu ssomero lyo ogwalangibwa nga............................Ndi munayuganda, ndi mukyala siri mufumbo era nina emyaka asatu mu etaano (35) Mbadde nkola ne ssomero lya.............................era nga nkola nga omuyambi wa bbaasa mu ssomero eryo.

Nafuna ddiguli mu by'okubala mu yunivasite ya MUBSe nakawa mu 2015. Nsibiddeko ebbaluwa y'obuyigirize bwange n'olupapala lwebyo ebinkwatako nga oyagala okumanya ebisingawo. Era nga oyagala okumanya ebisingawo bano be basembi bange.

1.Omw. Kizito Fred

Lecturer MUBS

A.K.P 20

0775214596

2. Muky. Nanfuka Teddy

Mukulu wa ssomero kiteetikka ss

A.K.P 56

0772856923

Naasanyuka nga okusaba kwange kudiddwamu

Nze akuteekamu ekitiibwa

.................................

KIZZA RUTH

077258963

**OMULIMU.**

**Wandiikira omukulembeze we ggwanga ebbaluwa omutegeeze ku byalina okukyusa mu Uganda**

- **EBBALUWA EY'OBUBAKA OBUSAASIRA**

    - Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo
    - A.K.P
    - Ennaku z'omwezi
    - Endagiriro y'oyo gw'awandiikira ku kkono,
      Eri,
      Ab'enju y'omugenzi,
- Laga okunyolwa mu bbaluwa yo, amawulire g'okufa gaabatuuseeko ddi, yogera ebirungi omugenzi by'akoze
- Laga amabugo ge muwadde

- Laga ebirala byemuwaddeyo
- Musabire omukama amulamuze kisa era ab’enju omukama abagumye.
- Omukono
- Erinnya
- Ekiti mwowandiikidde.

**EKYOKULABIRAKO**

**KUTUUYANA GROUP**

**A.K.P 20,**

**Kyengera.**

**02, Muzigo 2018**

**Eri:**

**Ab’enju ya mw. Budde Tom**

**ENSO: OBUBAKA OBUSAASIRA**

Tutuusa okunyolwa n’okusaasira kwaffe eri ab’enju ya Mw. Budde Tom olw’okuviibwako kitaabwe abadde ow’omugaso ennyo mu ggwanga lyaffe lino. Amawulire ga kitaffe, mukwano gwaffe ate munnakibiina munaffe gaatutuuseeko olunaku lwe ggulo ku ssaawa emu ey’ekiro.

Abadde muntu mulungi nnyo gye tuli anti nga muwabuzi, mutabaganya era nga ayagala nnyo eggwanga lye. Tumufiiriddwa nnyo nga ekibiina kya Kutuuyana kubanga abadde atukuumira bulungi nnyo ssente zaffe era nga tetumweraliikiriramu n’akamu.

Tukutte mu nsawo ne tugyamu ensimbi akakadde kamu n’olubugo olukalu. Tusaba omukama omwoyo gw’omugenzi aguwe ekiwummulo ekyemirembe era n’ab’enju Omukama abagumye.

Nze,

……………….(sayini)

KIZITO FRED

OMUWANDIISI W'EKIBIINA.

- **EBBALUWA ESEMBA OMUNTU**
  - Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo
  - A.K.P
  - Ennaku z'omwezi
  - Endagiriro y'oyo gw'awandiikira ku kkono
  - Akagambo ssebo/nnyabo
  - Enso......**OKUSEMBA NAKATO ABBY**
  - Ekinyusi

    Nsemba omukyala oyo waggulu mu kifo kya............nga ayita mu yafeesi yo. Lag anti omumanyi bulungi kati emyaka.....wamumanyira wa? Laga nti okakasa ajja kukola bulungi omulimu ogwo, yeebuuza, anoonyereza,mwesimbu era munnaddiini ate mukozi nnyo ayaayaana okumanya.
  - Lag anti ku lwanga musemba mu kifo ekyo.
  - Akusaamu obwesige
  - Sayini
  - ErinnyaEkiti mw'ogwa
  - Ennamba y'essimu.

- **EBBALUWA EBANJA**

  Weefuule nnanyini mayumba agali mu kitundu ekimu owandiikire omupangisawo gw'obanja emyezi kati mukaaga.
  - Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo
  - A.K.P

- Ennaku z’omwezi
- Endagiriro y’oyo gw’awandiikira ku kkono
- Akagambo ssebo/nnyabo
- Enso......**OKUBANJA SSENTE Z’ENJU**
- Ekinyusi ; mulage nti omujjukiza ssenta za nju ,kuva mwezi ki? Zimuteeremu azitegeere, asabiddwa okuzisasula obutasukka ddi?singa zisukka kiki ekiddako?
- Akusaamu obwesige
- Sayini
- ErinnyaEkiti mw’ogwa (nannyini nju)
- Laga gw’owaddeko kkopi

**Ekyokulabirako**

Nakato Teddy

A.k.p 235,

Kampala.

20, muzigo 2020

Eri

Muky. Namukasa Rose

A.k.p 3,

Kampala.

Nnyabo,

**ENSO: OKUBANJA SSENTE ZE NJU.**

Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga nkujjukiza ssente ze nju gy'osulamu e Kyengera. Ssente zino zibanjibwa okuva mu mwezi gwa gatonnya okutuuka mu Muzigo, buli mwezi osasula emitwalo ana (400.000) kati kitegeeza nti obanjibwa obukadde bubiri (2.000.000), osabiddwa okuzisasula obutasukka nga ennaku z'omwezi 31, Muzigo 2020. singa zisukka ojja kuva mu nju ezo ate nkutwale ne mu mbuga z'amateeka era mbawaddeko kkopi.

Nze

……………..(sayini)

Nakato Teddy

NNANYINI NJU.

- **EBBALUWA ESABA OKULAMBULA EKIFO**.

- Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo
- A.K.P
- Ennaku z'omwezi
- Endagiriro y'oyo gw'awandiikira ku kkono
- Akagambo ssebo/nnyabo

- Enso......**OKUSABA OKULAMBULA EKIFO NGA 12 NTENVU 2017**
- 
- Wandiika nga osaba okubakkiriza okulambula ekifo ekyo ku lunaku olwo, laga omuwendo gw'abantu gwe mutwala, musuubira kutuukayo ssaawa mmeka?
- Tunaasanyuka nga okusaba kwaffe kuyiseemu
- Akusaamu ekitiibwa
- ...............................Omukono
- Erinnya
- Ekiti mw'owandiikidde
- Ennamba y'essimu

**Ekyokulabirako**

Nalweyiso Flavia,

A.k.p 50,

Masaka

20, Ntenvu 2017

Eri

Kakira sugar Works Ltd,

A.k.p 20,

Jinja.

Ssebo/Nnyabo,

**ENSO: OKUSABA OKULAMBULA EKIFO NGA 29, NTENVU,2017.**

Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga nsaba okutukkiriza okulambula ekifo ekyo ku lunaku olwo, ndeeta abayizi kikumi (100) era nga tusuubira kutuukayo ssaawa bbiri ez'okumakya.

Tunaasanyuka nga okusaba kwaffe kuyiseemu

Akusaamu ekitiibwa

...............................Omukono

NALWEYISO FLAVIA

Omusomesa

0780997654 / 0703020765

- **EBBALUWA EYITA OMUGENYI OMUKULU**.
    - Endagiriro y'awandiika ku Mukono ogwa ddyo

A.K.P

- Ennaku z'omwezi
- Endagiriro y'oyo gw'awandiikira ku kkono
- Akagambo ssebo
- Enso: **OKUKUYITAOKUBA OMUGENYI OMUKULU NGA 20/GATONNYA/2018**
- Lag anti omuwandiikidde n'obwombeefu nga omusaba okubeera omugenyi omukulunga mutongoza ekibiina kya..........okutandika n'essaawa.....n'ekitambiro ky'emisa.
- Tukusuubira okukwaniriza ku ssaawa......
- Emabega w'ebbaluwa tusibiddeko enteekateeka y'omukolonga bwegunaatambula.

- Tunaasanyuka nga okusaba kwaffe kuddiddwamu
- Omuweerezaawo
- Sayini
- Erinnya
- Ekiti mw'ogwa.

**Ekyokulabirako**

Twekolera Development ,

A.k.p 50,

Masaka

01, Museenene 2013.

Eri

Hon. Katuntu Francis

A.k.p 20,

Buikwe.

Ssebo,

Enso: **OKUKUYITAOKUBA OMUGENYI OMUKULU NGA 20/Museenene/2013**

N'obuwombeefu ssebo ow'ekitiibwa nkuwandiikidde nga nga nkusaba okubeera omugenyi omukulunga mutongoza ekibiina kya Twekolera Development okutandika n'essaawa nnya ez'okumakya (4:00). Omukola gulitandika n'ekitambiro ky'emmisa.

Tukusuubira okukwaniriza ku ssaawa nnya n'ekitundu (4:30)

Emabega w’ebbaluwa tusibiddeko enteekateeka y’omukolo nga bwe gunaatambula.

Tunaasanyuka nga okusaba kwaffe kuddiddwamu

Omuweerezaawo

………………………..Sayini

KIDDE NAOME

SSENTEBE W’EKIBIINa.

- **EBBALUWA EY’EMULUGUNYA**

  Wandiika ebbaluwa ku poliisi nga weemulugunya ku ngeri gye bakwatamu ababaka bammwe aba palamenti.

  - Endagiriro y’awandiika ku Mukono ogwa ddyo

  A.K.P

  - Ennaku z’omwezi
  - Endagiriro y’oyo gw’awandiikira ku kkono
  - Akagambo ssebo
  - Enso: **OKWEMULUGUNYA KU NGERI GYE BAKWATAMU ABABAKA BAFFE**
  - Lag anti omuwandiikidde n’obwombeefu nga weemulugunya ku ddi ababaka lwebaakwatibwa era batya? Mugambe agambe ku basajjabe bakyuse mu ngeri embi gyebakwatamu abantu era saba wabeewo enteesaganya singa wabaawo obutakkanya
  - Tunaasanyuka nga okusaba kwaffe kuyiseemu.
  - Omuweerezaawo
  - Sayini
  - Erinnya
  - Ekiti mw’ogwa.

***EKYOKULABIRAKO***

Mukwaya Tonny

A.k.p 73,

Kampala

10, Mukutulassanja 2019.

Eri ;

O.C

Nsangi Station,

A.k.p 20,

Wakiso.

Ssebo,

Enso: **OKWEMULUGUNYA KU NEEYISA Y'ABAVUBUKA**

N'obuwombeefu nkuwandiikidde nga neemulugunya ku neeyiosa ya bavubuka mu kitundu kyaffe.

Abavubuka banywa nnyo enjaga okuva kumakya kutuusa budde kuziba nga tebalina mulimu gwonna gwebakoze ne kibaleetera okubba abantu b'okukitundu.

Bavuma abantu agagambo aganene ddala agatayisika mu kamwa ne baswaza bazadde baabwe.

N'olwensonga eyo nsaba ogambe ku bavubuka bakyuse mu ngeri embi gyebeeyisaamu .

Tunaasanyuka nga okusaba kwange kuyiseemu.

Omuweerezaawo

……………………Sayini

Mukwaya Tonny

***EBBALUWA ESEMBA OMUNTU***

- Endagiriro y’awandiika ku Mukono ogwa ddyo
- A.K.P
- Ennaku z’omwezi
- Endagiriro y’oyo gw’awandiikira ku kkono
- Akagambo ssebo/nnyabo
- Enso......**OKUSEMBA NAKATO ABBY**
- Ekinyusi
- Lag anti ku lwanga musemba mu kifo ekyo.
- Akusaamu obwesige
- Sayini
- ErinnyaEkiti mw’ogwa
- Ennamba y’essimu.

Ekibuuzo

1. Wandiikira akulira ekitongole kya UMEME nga osemba Nakato Abby mu kifo ky’obubazi bw’ebitabo mu kitongole kye.
2. Wandiikira omukulu w’essomero erimu nga osemba Katongole John okukola mu ssomero lye nga amyuka omukulu we ssomero eryo.

**EKYOKULABIRAKO**

Luttamaguzi Deo

A.k.p 235,

Kampala.

20, ntenvu 2020

Eri

Ekitongole kya Mabaati

A.k.p 352,

Kampala.

Ssebo/Nnyabo,

**ENSO: OKUSEMBA DDEMBE RICHARD**

Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga **n**semba omwami oyo waggulu mu kifo kya ky'obubazi bw'ebitabo nga ayita mu yafeesi yo. Mumanyi bulungi kati emyaka mukaaga ,namumanyira mu kitongole kyange ekya DATS kuba namukozesanga nga tanaddayo kusoma. Nkakasa ajja kukola bulungi omulimu ogwo, yeebuuza, anoonyereza,mwesimbu era munnaddiini ate mukozi nnyo ayaayaana okumanya.

Weebale nnyo.

Nze akussaamu ekitiibwa

…………………………………..(sayini)

LUTAMAGUZI DEO

AKULIRA EKITONGOLE KYA UMEME

## 2. OKWOGERA (SPEECH WRITING)

Kuno kwe kubaako obubaka bwowa abantu nga oyita mu kwogera naddala mu lukungaana

Okwogera kwa biti bingi ddala ate kukyuka okusinziira ku mukolo gw'oyogererako.

**EBIKA BY'OKWOGERA.**

- Okwogera nga omugenyi omukulu
- Okuyita omugenyi omukulu
- Okwebaza omugenyi omukulu
- Okwogerako eri olukungaana ku mulamwa ogumu.
- Okwogera ku ntaana

**EBIGOBERERWA MU KWOGERA**

- Mennya abantu abaliwo mu biti byabwe okuva ku mukulu okutuuka kw'asembayo.
- Yogera amannya go ne ky'okola.(era nga nze akulira...............)
- Yogera ensonga ekuyimirizza mu maaso g'abantu. Okug. Nzizze okwogera ku .............
- Buli nsonga ginnyonnyole bulungi era buli emu mu kiba kyayo.
- Maliriza nga okubira abantu omulanga
- Beebaze okukuwuliriza era obaagalize emikisa gya Katonda.

- **OKWOGERA KW'OKWEBAZA OMUGENYI OMUKULU**
  - Goberera ebisooka.
  - Weebaze omugenyi omukulu olw'obubaka bw'abasibiridde era mulagaanye okukwata ebigambo bye obutiribiri.
  - Weebaze omugenyi enkata gy'abakubye era musuubize nti ssente z'abawadde mujja kuzikozesa bulungi.
  - Musabire omukama amuzzeeyo bulungi.

Ssebo Minisita w'ebyenjigiriza mu bwa Kabaka bwa Buganda, abagenyi mwenna buli omu mu kiti kye, bassebo ne bannyabo.

Erinnya nze Kyolaba Denis era nga nze mukiise w'abavubuka mu lukiiko olukulu olwa Buganda. Njagala okusooka okwebaza omukisa ogumpeereddwa okwebaza omugenyi omukulu olw'obubaka bw'atuwadde ku lwange, abazadde, abaana n'abakulu b'amasomero bubadde bwa muwendo nnnyo era nsaba ffenna tubutwale nga bukulu nnyo. Mu ngeri y'emu tusaba otwebalize Maasomoogi olw'okuweerera abaana be.

Omukama Katonda akutuweere  by'osinga okwagala ate akuggire enkonge mu kkubo nga oddayo eka.

- **OKWOGERA KW' OKUYITAYO OMUGENYI OMUKULU AYOGERE ERI ABANTU.**
  - Goberera ebisooka
  - Yogera by'omanyi ku mugenyi omukulu
  - Weebaze okuweebwa omukisa ogw'okwanjula omugenyi omukulu.
  - Yogera ebbanga ly'omaze nga omanyiganye naye.
  - Yasomera wa? Akoledde wa? Buvunanyizibwa ki bw'alina?
  - Ebyo byonna bw'obimala yitayo omugenyi omukulu.

**OKWOGERA KW’ OKUYITAYO OMUGENYI OMUKULU AYOGERE ERI ABANTU OBA OKWANJULA OMUGENYI OMUKULU.**

Ssebo kalabalaba neeyanzizza omukisa ogumpeereddwa okuyita omugenyi omukulu, owek. Omumyuka wa katikkiro ate minisita w’ebyenjigiriza mu bwa kabaka bwa Buganda, omukwanaganya mu yafeesi y’ebyenjigiriza, ba kaminsona be bye njigiriza mu bwakabaka, abakulu b’amasomero, abazadde n’abyizi.

Amannya nze Lutaakome Frank era nga ndi Kaminsona w’ebyenjigiriza mu bwakabaka bwa Buganda, ndi mutandisi w’amasomero ate nze nkulira ekitongole kya BME ekitegeka ebigezo bya Mock bya Buganda.

Neebaza omukisa ogumpeereddwa okwanjula omugenyi omukulu mukwano gwange kuba tuwangadde naye era nga natandika okubeera naye nga tusoma mu Kisubi High School. Yamaliriza siniya ey’omukaaga ku Mackay College e Nateete era we yava ne yeegatta ku Makerere University gye yakugukira mu busomesa era n’afuna ddiguli. Yeeyongerayo ebweru we ggwanga n’afuna ddiguli ey’okubiri n’ey’okusatu. Musomesa ku MUBS , yaliko omukiise mu lukiiko lwa Buganda ,ate nga yasooka kubeera minisita wa byanjigiriza mu bwakabaka ate Kabaka n’amusiima okuba omumyuka ow’okubiri owa Katikkiro. Asibuka Buddu yeddira Nte era akoze bingi nnyo mu kisaawe kino ekyebyenjigiriza mu bwakabaka buno. Tusaba atutuusize okwebaza kwaffe ewa Kabaka waffe olw’okuweerera abaana.

Ssebo ow’ekitiibwa n’obuwombeefu obungi nsaaba ojje oyogereko gyetuli.

- **OKWOGERA KW'OKUNTAANA/KU KUKUNGUBAGA**

  Kuno kwe kwogera mu kaseera ak'ennaku naddala mu kufiirwa oba mu kuziika. Wano omwogezi alina okuigoberera bino wammanga

  - ✓ Beera mu bufunze nnyo ate tuukira ku nsonga
  - ✓ Weewale okusaagasaaga ebiyinza okusesa abantu
  - ✓ Toseka nga oyogera abantu bayinza okukuyita omulalu
  - ➢ **Tandika okwogerakwo** nga olaga Ennyiike n'okunyolwa eri okuviibwako munnammwe, muganda wammwe, kittamwe
  - ➢ Weebaze abantu okujja okukungubagira munnaabwe
  - ➢ Oyogera abakutumye (abafiiriddwa) era ebiseera ebisinga baba beebaza
  - ➢ Weebaze abaasuzeewo mu lumbe
  - ➢ Weebaze abaabawadde ak'okuzza eri omumwa
  - ➢ Weebaze abaasaasaanyizza amawulire g'okufa kw'omugenzi
  - ➢ Weebaze abasawo abajjanjjabye omugenzi
  - ➢ Abazimbye enju y'omugenzi ey'olubeerera
  - ➢ Kkwaya eyasuze eyimba ennyimba z'eddiini
  - ➢ Azzaako ebikwata ku mugenzi
  - ➢ Amannya g'omugenzi,
  - ➢ Yazaalibwa ddi era wa?
  - ➢ Bakadde be be baabi?Yasomako? wa era myaka ki? Yasoma kutuuka wa?
  - ➢ Yakolera ludda wa?
  - ➢ Buvunaanyizibwa ki bwe yalina ku mirimu egyo.
  - ➢ Yawasa oba okufumbirwa? Ddi era n'ani?
  - ➢ Alese abaana bammeka?
  - ➢ **Obulwadde obumusse**
    - ▪ Bwamutandika ddi?
    - ▪ Baamutwalako mu malwaliro ki?
    - ▪ Yakutuse ku ssaawa mmeka? Ddi?
    - ▪ Amaze emyaka emmeka ku nsi?

Baani abaleese obubaka obukubagiza?
Omugenzi aziikiddwa atya? Embugo, looti
Mmaliriza nga osaba omwoyo gw’omugenzi omukama agulamuze kisa wadde okimanyi nti abadde mubbi, malaaya, mutmu oba mulogo.

***OKWOGERA OKW’OKUBUULIRIRA*.**

Okubuulirira kwe kutegeeza omuntu engri gy’ateekwa okweyisaamu oba obuteeyisaamu, nga ekigendererwa kwe kumuteekerateekera olugendo lw’obulamu bwe naddala nga alina obulamu obupya bwagenda okuyingirira. Omuntu ayinza okuyita mu kuwandiika oba okwogera singa aba alina gw’abuulirira.

**Okubuulirira kwa mirundi mingi.**

**Okugeza;**

-Omulenzi abuulirira mwanyina nga agenda kufumbirwa

-Omuko abuulirira mukoddomi we nga bwamukwasa mwanyina.

-Okubulirira omuwala agenda okufuna obufumbo

-Okubuulirira omulenzi agenda okuwasa

-Omwana agenda mu siniya

-Ssenga okubuulirira omwana wa zobootawe agenda mu ddya

-Omuntu afunye obukulu ku ngeri y’okubuwangaalamu.

> **N.B** Olaga entandikwa yo. Okugeza muyite omutwaleko awantu, mutuuze , mubuulire ekimuyisizza

**EKYOKULABIRAKO**

**MAAMA  ABUULIRIRA MUWALA WE AGENDA MU SINIYA.**

Ritah, sembera wano nkubuulire. Enkya mpozzi lw'ogenda mu siniya? Ndowooza ebyetaagisa byonna twabigula dda teri kibulayo era leero nsiibye ngomoka era ŋŋenze ne mu banka ne nsasula ebisale bye ssomero era sibanjibwa wadde ennusu. Simanyi omaze okusiika ebinyeebwa anti mpulira akaloosa kabula kunjabya nnyindo kale gwe.

Omulimu ogwange guwedde byeweetaaga byonna bikuli mu ttaano era enkoko tujja kugikwata mumwa tugende mu yafeesi y'omukulu w'essomero. Ekyo sula nga okimanyi bulungi era teweebaka Bukeerere tazindwa. Enkoko yakukwata mumwa . genda okoleeze ettaala nkulabe mu maaso nsobole okumanya nti byenkubuulira bikuyingira. Owange nga tojja? Olinda bidde? Eeeee.. mbadde simanyi nti okomyewo. Anti mbadde ntandiikiriza okusumagira mpozzi nabadde nkugamba ki? Nzijukidde.

Enkya lwogenda mu siniya, essomero lyogendamu lye limu kugasinga okwettanirwa wano mu Uganda. Ddungi nnyo ddala. Mugenda kubeera n'abaana abalala . nkimanyi oli mumalirivu ate n'okusoma okwagala anti gwe walya mu banno empanga bwe wabasinga bwewafuna division 1 ku bubonero buna. Ekyo kikyali kituuza ogenda kusoma n'abaana abagezi ennyo ddala ate essomero eryo buli term basunsulamu abaana abakoze obubi ne babagoba ne basigaza cream kyekyo lwaki teryesimbikamu mu Uganda masomero malala gonna; n'olwekya vva mu muzannyo. Soma nnyo nnyo ate obeere wa mpisa. Weewale ebiduula n'obukuukuulu anti ye kalunsambulira w'okusuula omwana.

Tokakanyalanga.   Amaanyi  g’olujegere gava mu bgonvu bwalwa. Abakulinako obuyinza bonna bagondere. Teweewa lugezigezi kumanyiira ba prefect  biveeko. Amawaggali mabi fuba okulaba nga ogonda nnyo.

Mugenda ne mukola eddalu nga muli bangi naye ne kakutanda ne bakugwaamu bakugoba era bwoba odda eka ogenda wekka tewali n’omu akuwerekerako bw’oba wa kusimba kasooli omusimba wekka n’olwensonga eyo mwana wange beera mwegendereza nnyo nnyo nnyo.

Ovubuse era emyaka giwaga bya nsusso, owulira amaanyi ag’ekitali; omanyi buli kimu nga okwemanya n’okwegomba abawala. Bino byonna byesonyiwe anti bw’onaamaliriza okusoma, abawala bajja kkunoonya. Ye mukenenya tomulaba bwe yeesomye?

Genda omalirize okusiika ebinyeebwa byo naye tujja kukeera nnyo kuba nina byenina okukwasaganya nga nkomyewo . nkukwasa Mukama Katonda yekka era teweebakanga nga tosomye ssaala.

## 3.EBIRANGO (ANNOUNCEMENTS)

Buno buba bubaka obuwandiike naye nga buyitaku mikutu gya Laadiyo, Terefayina oba ebizindaalo byonna ku kyalo.

Ekigendererwa kuba kumanyisa bantu ekyo ekiba kiguddewo.

Buli kirango kirina ebigobererwa okutuukiriza ebisaanyizo byakyo.

**EBIKA BY'EBIRANGO.**

- **Eb'okubika**
- **Eby'ebibuze n'Ebizuuliddwa**
- **Eby'emikolo nga;**
  - embaga
  - Ennyimbe
  - Enkiiko
- **Eby'amaguzi**

- **EKIRANGO EKY'OKUBIKA.**

Ebitasaanye kubula mu kirango kino;

- Ani abika?
- Abeera wa?
- Abika ani?
- Abadde abeera wa?
- Abikira ani?
- Okuziika kwa ddi? (Ennaku z'omwezi n'olunaku)Togamba nti enkya anti enkya tetuuka.
- Okuziika kwa wa? Essaawa mmeka?
- Baani abalala ababikirwa?
- Mmaliririzanga obikira ab'oluganda, abako n'emikwano.

**N.B**

- Wandiika mu muntu wakusatu so si asooka. Togamba nti Nze gundi mbika.

- Obulwadde tobwogera mpozzi nga kaabadde kabenje oba kibwatukira.
- Weewale ebigambo ebiteetaagisa okug. Abika ne nnaku nnyingi, teri abika na ntono.
- Togamba nti abafiirwa amakulu gakyuka.

EKY'OKULABIRAKO

> **18/02/2017**
>
> **OMWAMI KINTU JOHN ABEERA E KITEMU ABIKA MUTO WE KATO PAUL ABADDE ABEERA E KITEMU WAKUZIIKIBWA KU LW'OKUBIRI NGA 6/02/2017 E KITEMU WAKISO KU BIGGYA BYA BAJJAJABE KU SSAAWA MWENDA OGW'OLWEGGULO. ABIKIDDE OMUKULU W'EKIGO KY'E NABBINGO, AB'OLUGANDA, ABAKO N'EMIKWANO N'ASABA AWULIDDE ATEGEEZE OMULALA YENNA.**

- **EKIRANGO EKY'EKIBUZE**
- Ebitasaanye kubulamu
- Ani alanga?
- Abeera wa?
- Kiki ekyamubuzeeko?
- Kifaanana kitya?Kyamubuliddeko ludda wa? Kifo ki?
- Kyamubulako ddi?
- Ku ssaawa mmeka?
- Kisuubirwa kubeera wa?
- Bw'aba muntu, afaanana atya? Alina amyaka emmeka?

**Amuzuula**

- Amutwale ku poliisi oba LC?
- Akube ku ssimu nnamba ki?Musuubize okumuddizzaawo byonna ebinaaba bimugenzeeko n'ekirabo wa kukwasaako ebiri.

EKY'OKULABAIRAKO

**21/01/2018**

**NAMUDDU COTILDA OW'KAABALUNGI MU BUDDU ALANGA AKASAWO KE . YAKEERABIDDE MU MMOTOKA YA BUYONJO EYAMUGYE E KYOTERA NGA EDDA E MUTUKULA KU LW'OMUKAAGA NGA 10/01/2018. ANAAKAZUULA AKATWALE KU POLIISI Y'EMASAKA OBA KU LAADIYO BUDDU OBA AKUBE ESSIMU NNAMBA 0778329865. BYONNA EBINAABA BIMUGENZEEKO BYAKUMUDDIZIBWAWO N'EKIRABO WAKUKWASAAKO EBIRI.**

- **EBY'EBIZUULIDDWA.**
  - Ani alanga?
  - Abeera wa?
  - Alanga ki? Kifaanana kitya?
  - Yakironze wa?
  - ,, Ddi?
  - Budde ki?
  - Nnyini kyo ajje n'obukakafu nti kikye.
  - NNyini kyo akusange wa, ddi, ssaawa mmeka
  - Osobola okumuwa ennamba y' era wa?
  - Mugambe ajje n'ekirabo ky'obulonzi
  - Kozesa olulimi olugya mu bantu nga teruvvoola.

EKY'OKULABIRAKO.

**15 MUZIGO 2018**

**OMWAMI KALULE DEO OWE LUSWA MYANZI ALANGA ENTE ERIMU AMABALA AMEERU N'AMADDUGAVU. YAGISANZE MU NNIMIRO YE KU LUSOOKA NGA ENNAKU Z'OMWEZI 13/MUZIGO/2018. ASABA NNANYINI NTE ENO AJJE E LUSWA EWA LC ERA AJJE N'OBUKAKAFU OBULAGA NTI YIYE OBA AGENDE KU POLIISI YE MYANZI SINAKINDI AKUBE KU SSIMU NNAMBA 0754895623. TEYEERABIRAYO SSENTE ZA KIRANGO N'EZ'OBULONZI**

- **EKIRANGO EKYAMAGUZI.**
  - Tandika nga owaana ekyamaguzi kyo
  - Ani alanga?
  - Abeera wa? (Ekifo , plot,ekibanja)?
  - Kiki ky'olanga? Yogera ku muwendo,endabika yaakyo
  - Galanti nayo mwogereko
  - Akyetaaga akole atya?
  - Ennamba ye ssimu
  - Akasanduuko ka posi
  - Ennaku za ssabiiti mwe mukolera ne ssaawata
  - Yongera okukiwaana

**LAYISI LAYISI LAYISI ATAKKIRIZIKA.**

**ABA KITEMU GROUP BAKULEETEDDE OMWENGE OMUGANDA KAWOOMERA OGUYITIBWA KITOKOs, TEGUTAMIIZA WADDE OKULUMYA OMUTWE OBA OKUWUNYA KU MUNTU AGUNYWEDDE. GUGULA EBBEEYI YA NSEKO BUSEKO ANTI ECCUPA YA 2000/ ZOKKA.AGWETAAZE TUSANGE KU MUGANZILWAZZA E KATWE, ABE MITIYANA MUGUSANGE EWA KIYEMBA, AB'E MASAKA MUGUSANGE EWA KASOLE MU PPAAKA. AGULA MU BUNGI ENTAMBULA YA BWEREERE. OMWENGE TEGUTUNDIBWA ERI ABALI WANSI WE MYAKA KKUMI NA MUNAANA 18. LAYISI LAYISI LAYISI DDALA TOMUSUBWA.**

.

**EMBOOZI EMPANVU**

**3. EMBOOZI EY'OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO.**

Emboozi eno ebeeramu ebirowoozo bibiri era nga byombi oteekwa okubyogerako. Emboozi eyo eba ekusaba okiriziganye n'ekirowoozo ekimu ate omale okiwakanye. Oludde lwowaddeko ensonga ennyinngi kitegeeza lwosinze okukkiriziganya era mu kukubira oludda olwo lulage.

**Egimu ku mitwe.**

- **Abasajja tebasaanye kuwasa bakazi basukka mu omu. Kubaganya ebirowoozo**
- **Amasomero g'ebisulo gasaanye kuggalwa. Kubaganya ebirowoozo.**
- **Amasimu lumbe lwa kirago. Kubaganya ebirowoozo.**
- **Abasajja be basing okusaasaanya olumbe lwa mukenenya. Kubaganya ebirowoozo.**
- **Abawala tebasaanye kusomera wamu na balenzi. Kubaganya ebirowoozo.**
- **Abasomesa tebasaanye kukuba bayizi. Kubaganya ebirowoozo.**

- **Amasomo ga saayansi ku ddaala lyawansi gasaanye kuba gakyeyagalire. Kubaganya ebirowoozo.**
- **Abaana abali wansi w'emyaka etaano tebasaanye kutwalibwa mu kisulo. Kubaganya ebirowoozo.**

Wandiika omutwe.

Nnyonnyola omulamwa omukulu Okugeza Obusimu buli wendi nkufuna kye ki?

Tandika n'ensongazo nga otandika n'oludda oluli mu mutwe.

Zaako oludda olulala nalwo oluweeko ensongazo.

Fundikira nga olaga gwe oludda lw'owagira wadde si lw'osoose nalwo

- ✓ **OMULIMU**

**Londako omutwe gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350-400**

**4. EMBOOZI EY'OKWEFUMIITIRIZA.**

Eno ye mboozi eyeetaaga omunyumya okweteeka mu bigere by'omuntu abeera amanyiddwa a'awandiika ekyo kye yandikoze singa abadde muntu oyo.

**Egimu ku mitwe.**

- Singa nze Katonda
- Singa ndi mukulembeze wa ggwanga
- Singa nze Ssaabasajja
- Singa nze taata n'emirala.
- 

- ✓ **OMULIMU**

**Londako omutwe gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350-400**

**5. EMBOOZI EZEETAAGA OMUNYUMYA OKUWA ENDOWOOZA YE.**

Emboozi ez'engeri zino ziba zeetaagisa omunyumya ku birowoozo ebibiri ebiri mu mutwe alondeko kimu ky'aba awagira era awe ensonga lwaki akiwagira . Endowooza ye ateekwa okugiragirawo mu nnyannjula.

Ensongaze azinnyonnyole bulungi.

Tateekwa kwekuba ndobo ate nga alaga nti n'oludda olulala oluwagira.

**Egimu ku mitwe.**

- Abakyala be bakazaala bulwa bw'obulwadde bwa siriimu. Wa endowooza yo.
- Abayizi tebasaanye kugenda mu luwummula nga bawumudde. Basigale ku masomero. Wa endowooza yo.
- Amasimu buli wendi nkufuna lumbe lwa kirago. Wa endowooza yo.
- Obupangisa bunnyuma. Wa endowooza yo.
- Emmotoka z'olukale zisaanye kuwerebwa. Wa endowooza yo.
- Obululu bw'okukuba nga basimbye mu Mugongo ke kasaana. Kubaganya ebirowooza.

- ✓ **OMULIMU**

**Londako omutwe gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350-400**